# Eddwaaliro lya Mulago bakuzizza olunaku lw'abaana abalina kookolo

Bya RACHEAL NANKYA

ABAZADDE bakubiriziddwa okukomya okweraguza ng'abaana baabwe balwadde obulwadde bwe batategeera, wabula babadduse mu malwaliro basobole okujjanjabibwa nga bukyali kubanga emikisa gy'okuwona gibaawo.

Omusawo w'abaana omukugu mu kujjanjaba endwadde z'omusaayi ne kookolo, era akulira ekitongole ekigatta abasawo abajjanjaba abaana mu Uganda Anne Akullo, yasiimye abazadde abayimiridde n'abaana baabwe okulwanyisa kookolo ow'enjawulo gwe balina era n'abasuubiza nti, nabo bajja kutuuka ku buwanguzi nga abalala bwe bazze bawangula.



Keneddy Baggi yawadde obujulizi bw'okuwona kookolo w'omu musaayi.



Dr. Anne Akullo ng'ayogera ku mukolo e Mulago.

Yasiimye ebitongole eby'enjawulo bwe bakwatagana okubayambako okujjanjaba abaana bano omuli; Oncopharm ababawa eddagala, Uhuru Restaurant abaabawanga emmere okuliisa abaana n'ebirala.

Nga February 15, buli mwaka Uganda yeegatta ku nsi yonna okujjukira olunaku lwa kookolo mu baana nga lujaguzibwa olw'abaana abajjanjabibwa kookolo n'okumulwanyisa mu baana, ssaako okuyimirira awamu ne ffamire ezirina abaana abalina kookolo.

Ku Lwokutaano lwa wiiki ewedde, eddwaaliro lya Mulago National Refferral Hospital lyategeka omukolo gw'okujaguza abaana abo abawangaala ne kookolo ku waadi yaabwe okwongera okubawa essuubi nti, ddala kisoboka okulwana ne bawangula obulwadde buno nga abalala bangi bwe balwanye ne bamuwangula. Baabategekedde ekijjulo, keeki n'okusanyusibwa.

Ku mukolo guno Kennedy Baggi yawadde obujulizi bw'okuwona kookolo w'omusaayi bwe yatandika okufuna obubonero omuli; okuzimba ekifuba, okukolola okutawona, okukaluubirizibwa okussa n'okutuuyana ekiro mu mwaka gwa 2021, wabula yajjanjabwa mangu mu 2024

Janet Museveni kampeyini eno ey'okulwanyisa akawuka ka siriimu agyenyigiddemu atya?

Minisita Janet Museveni omulamwa gwe gwali gwa kulaba engeri abakyala bwe bayinza okuzaala abaana nga tebabasiize kawuka ka siriimu (PMTCT), era nga kaweefube ono ayambye abakyala n'abaana wakati mu kulwayisa akawuka mu nsi yaffe.

**Ekitegeeza tewakyali mwana akwatibwa kawuka nga bwe kiri nti, omulanga gumaze okubuna ensi yonna?**

Si bwe kiri, wadde nga obuwanguzi buno tubutuuseeko Uganda ekyagenda mu maaso n'okuwandiika abaana abato abalina akawuka abatakka wansi wa 4,000 buli mwaka.

Ebirala birinde Olwokuna olujja.

**Alina ekibuuzo kyonna kiweereze ku nnamba ya ssimu : 0751 363774**